# Omwami wa Kabaka abakubirizza ku bufumbo n'okulwanyisa siriimu

Bya EDWARD KASIRYE


OMWAMI wa Kabaka atwala ggombolola y'e Gombe, Erick Sserugo ategeezezza abafumbo okubuulirira abaana nti obulwadde bukyaliyo mu nsi n'ategeeza nti y'ensonga lwaki Ssaabasajja Kabaka yavaayo okubeera omusaale okulwanyisa akawuka ka siriimu n'omusujja gw'ensiri.

Agamba nti kimuzzaamu amaanyi okulaba nga mu maka ga Ssaabakaaki William Kityo omu ku baana Debra Nabateregga avuddeyo okuleeta mwana munne Ibrahim Kazibwe n'abakalaatira obutaswaza famire ya Ssaabakaaki era banyweeze ennono kwe bakuliziddwa.

Abakubirizza okulaba ng'amaka gaabwe tegabeeramu ntalo ezireeta emiwaatwa obulwadde okuyingira.

Ssentebe w'ekyalo Kiteredde, Rehema Kayondo alaze obwennyamivu olw'abazadde obutafaayo kuteekateeka baana baabwe n'okubaagazisa obufumbo n'asaba Ssaabawaali okusaba abazadde okwewala okutikka abazadde b'abaana abalenzi omugugu gw'ebintu ebisusse ekiyinza okuba nga kimu ku bitiisa abalenzi okwanjulwa.

Yasabye abanjuddwa obutakoma ku kwanjulwa wabula batwale obufumbo obutukuvu okusikiriza abalala.



Erick Sserugo